

1. Kaleeba

Awo olwatuuka ne wabaawo ekyalo okwali oluzzi olunene, olwaliko n'ekisaka ekinene. Ku luzzi kuno kwaliko ebinyonyi nga bimanyi nnyo okuyimba, naddala bwe byalabanga omuntu avudde mu kyalo n'ensuwa oba kita, bwe yamalanga okusena amazzi byalabanga yeetisse, nga biteekamu oluyimba:

Ssemusajja agenda Kaleeba
Onjambira abali ek'eyo
Ebinyonyi biri ku luzzi
Byambadde ensimbi
Nsimbi n'obutiiti
A ... a ... kyo ki
Kyuka n'ondeeba.

"Omuntu bwe yabanga omukazi nga bigamba Ssemukazi agenda..."

Omuntu bwe yakyukanga n'atunula emabega, ng'ekintu ky'abadde yeetisse kiva ku mutwe nga kigwa nga kyatika, olw'okusamaalirira okulaba ennyonyi nga ziyimba. Abantu bangi baayatikirwa ebintu byabwe mu ngeri eno. Abamu baamalanga kuwakana nti, Ebinyonyi biyimba bitya, biyinza bitya okunjasisa ensuwa?" Eky'okwewuunya nga tewali muntu ayinza kuleeta mazzi mu kita oba nsuwa n'eteyatika.



Ssemukazi agenda Kaleeba

Naye ng'abakulu bwe bagamba nti, "Obusajja bukirana", olwali olwo akakookolo ne kajja ne kagamba nti ko amazzi kajja kugaleeta. N'abantu tebassaamu kantu "ng'akasajja" bakawa nsuwa anti nga baafa dda amabbabbanyi.

Akakookolo bwe keekuba ku luzzi nga kasena mazzi ng'ensuwa kagisimba ku kawompo. O! ebinyonyi olwakalaba ne bisaakanya nti:

*Ssekakookolo kagenda Kaleeba
 Otugambira abali ek'eyo
 Ebinyonyi ebiri ku luzzi
 Byambadde ensimbi
 Nsimbi n'obutiiti
 Kyo... kyo ki
 Kyuka n'ondeeba.*

Byakandanga kuyimba ng'akakookolo kaguggubidde n'ensuwa katambula, butalaba nnyuma. Byakandanga kugobererako nga ppee! Okutuusa akakookolo lwe kaatuusa ensuwa. Abantu baakatendereza nnyo, era okuva olwo nebakatya nnyo.

Ebyokwegezaako

1. Kaleeba kitegeeza ki mu lugero luno? (Omusomesa ayinza okuyamba.)
2. Kinyonyi ki ekisingira ddala okuyimba?
3. Geegeenya amaloboozi g'ennyonyi zino banno nga bawuliriza:

| | |
|-----------|------------|
| enjaana | enkwale |
| ejjiba | ssossolye |
| effulungu | entuletule |

Bye tuyigamu

- a. Ebirungi ebinaggwaawo amangu tebisaana kutwerabiza byaffe.
- b. Okwekuuma bye tuwulidde nga bya kabi.

2. Zamuzira

Mu mirembe egy'edda ennyo waaliwo omusajja erinnya lye Muzira. Yalina abaana nkumu, era nga mu baana bano mulimu akalenzi akalema, akaatambulanga keekulula obwekuluzi. Muzira yali anaatera okufa n'agaba eby'obugagga bwe mu baana be. Bambi akalenzi akalema teyabwa kintu kirala wabula akate akakovu ennyo. Era yamala kumubuza nti, "Olisobola okwamira akate ako?" Ko akalenzi nti, "Ndisobola okukaamira, ate nnaakola ntya?"

Muzira olwafa akalenzi akalenzi akalema ne katandikanga okwekulula nga katwala akate kaako ku ttale. Anti nga baganda be tebamulaba beeyagala bokka. Omwana ono omulema bwe yabanga atwala akate ke ku ttale yayimbanga bw'ati:

*Kitange Yanjambira
Za muzira zamira
Akate ako olikaamira
Ko nze ndikaamira
Vvu twegendere.*



Zamuzira n'akate ke ku ttale

N'ayimbanga atyo buli lwe yatwalanga akate ku ttale.

Olwali olwo yali akyayimba ng'alunda akate ke n'agwa ku bantu abangi abaalina ebintu ebingi ng'obugulu bw'eggongolo! Olwabalaba ne yeebereka ku mugongo gw'akate ne yeeyongera nnyo okuyimba.

Babifeekeera bano bwe baalaba akalenzi akalema ne bakasaasira nnyo. Kye baava bakawa: ebintu bingi nnyo okusinga ne ku bugulu bw'eggongolo.

Okuva olwo akalenzi akaali kacoppa ne kafuuka ssegaali, ne kafuna abazaana bangi nnyo abaakayambanga.

Ebyokwegezaako

1. "Ekiraamo" kitegeeza ki?
2. Njawulo ki eri wakati w'amannya g'ente gano?
nkolomojjo nduusi
mugongo nsagala

Bye tuyigamu

- a. Okukuuma ebiraamo bya bakadde baffe.
- b. Okwagalanga ebintu byaffe.

4. Ennyonyi Muzinge

Mu mirembe egy'edda ennyo waatuuka nga wagwawo enjala kakungo. Ku kyalo ekimu kwaliko omusajja ne mukazi we, era nga balina kawala kaabwe akato ka myaka nga kkumi. Nnyina w'omusajja ono naye yali awo ngasula mu kayu ke yamuzimbira, okumpi n'enju ye.

Omusajja ono yalina ennyonyi enfuge awaka, eyitibwa Muzinge, era ennyonyi eno yabiikanga emmere eyasobozesanga okukkusa abantu bonna abana.

Omusajja ne mukazi we bwe baalaba ng'ennyonyi eyo erina omugaso bwe gutyo ne basala ga kugisaanikiranga mu bibbo ebinene. Era okubiika emmere eno baamalanga kukoona ku kibbo (bakulu bokka nno be baakolanga kino).

Naye olwali olwo, akawala kaalaba kitaawe waako akomaga, nnyina waako ng'asalira, era ne jjajja waako ng'anywa taaba, ne kebbirira kagende kakube ku bibbo, anti kalunsambulira akajjira!

Bwe kaasaanukula ku bibbo ennyomyi n'ebuuka era n'edduka.

Kyekaava kagenda ewa kitaawe waako ne kamugamba nti, "Taata ennyonyi egenze." Taata waako olwawulira ebyo n'akakuba ensaamu mu mutwe. Bwe kaalaga ewa nnyina waako ye yakakuba kiyiniggi mu mugongo, ate jajja waako yakakuba mmindi ku nnyindo!

Kyekaava kakaaba ne kagenda okunoonya ennyonyi. Abaakalabanga baakabuuzanga nti, "Ogenda wa?" Ko nga kaddamu, mu ngeri y'oluyimba nti:



Ennyonyi Muzinge

Dnenda okulaba ennyonyi Muzinge

Kitange n'akuba n'akubira ennyonyi Muzinge

Maama n'akuba n'akubira ennyonyi Muzinge

Ne jjajja n'akuba n'akubira ennyonyi Muzinge.

Omwana teyadda ng' abulira ddala, era n' ennyonyi ng'ebula.

Ebyokwegezaako

1. Mu nnyonyi zino, ziruwa Abaganda ze balya: mpaabaana, mujolo, enkoko, mucucu, empungu, kaamukuukulu, enkofu?
2. Nnyonnyola engeri endegeya gy'ezimbamu ekisu kyayo.

Bye tuyigamu

- a. Obutawakanya birowoozo bya bakadde baffe.
- b. Obutakubaakuba baana bato.

6. Muyire

EDDA ennyo waaliwo omusajja ne mukazi we nga balina omwana waabwe omu, Muyire Yali muwala, kyokka ng'obulungi bumwaziiranya! Abamu baagambanga nti omuwala ono yafukibwangako omwenge ne gumuttulukukirako ate ne bagunywa. Oba yali nno mulungi lwondo!

Abalenzi bangi baayagala nnyo okumuwasa. Kyokka bakadde be bwe balaba ebyo ne bagamba nti: "Aliwasa muwala waffe alimala kuleeta wano katoogo okuva mu nnyanja wakati, mu ddubi.

Anti olwo abavubuka ne bafa amaddu n'amabbabbanyi. Baagezaako bangi nnyo naye ne balemwa okuleeta akatoogo era buli eyagezangako ng'agwa mu nnyanja ng'afa.

Ate ekyasinganga okuluma, omuwala yagendanga n'atuula awo n'alya mu ndago.

*Muyire waabwe Muyire waabwo
Ani alimutwala?*

Olwo abalenzi ne boogera ebimpi n'ebiwandu. Buli mulenzi eyagezangako okunona akatoogo mu nnyanja yayimbanga bw'ati:

*Mu nnyanja ku nkya
Mu nnyanja eggulo
Muyire weeraalire
Muyire nja kukuwasa.*

Ne bakolanga bwe batyo naye nga balemwa.

Naye olwali olwo, nga teriri busa ng'akakookolo keesowolayo nti "Nze akatoogo nja kukaleeta era omukazi "mmutwale.

Abazadde bo baagamba nti, "Ayogedde ggwe oludde."

Akakookolo nga kakkirira nnyanja, era nga bwe kayimba nga bwe twalabye waggulu. Nga kayimba okutuusa lwe kaasala amagezi gaako ag'ekikugu ne kaleeta akatoogo era ne bakawa omukazi nnalulungi.

Omuwala yakaaba nnyo, era ne bakadde be ne banyolwa olw'okutwalibwa akakookolo.



Omuwala yakooba nnyo olw'okutwalibwa akakookolo

Munnange bwe baagenda ewaabwe w'akakookolo, obudde bwagenda okukya ng'akakookolo kavuddemu omulenzi atakubikamu liiso, omulungi awedde emirimu.

Nga bannalulungi bombi batebenkera mu maka gaabwe.

Ebyokwegezaako

1. Akakookolo kye ki? (Omusomesa akuyambe.)
2. Abaganda balina omuzannyo oguyitibwa "Katakuliramuliro" Gunnyonnyoleko. (Omusomesa akuyambe)
3. "Ssemufu" nagwo muzannyo. Omanyi ebigufaako?
4. Yiga bino: Omuntu bwe baba beesa ne munne n'amutema ekyeso, ayinza okulayira nti:

Kabaka,
Ssebalaba mutwe guttidde
Ne baguyita ekiwalaata,
Ssebalaba bubina bwa ttaka
ne babuyita obusirikko,
Sirina gatengejja
Kwesa na bakyala
Ng'abasajja baagenda okutabaala.

5. Oyinza okugezaako okukola emizannyo egyo egyogeddwako waggulu Katakuliramuliro, ne Ssemufu?

Bye tuyigamu

- a. Obutapapa kukola kintu kye tutannamanya nti kyangu oba kizibu.



Wandiga ne Banne

okuwandiga
* Olwatuuka ng'embwa, embuzi n'ente birinnya mmotoka. Olugendo lwali lwa siringi 50. Bwe baali mu mmotoka, ne babasaba ssende. Ente n'essasula ezaayo, embwa n'esasula siringi 100 ate yo embuzi n'egamba nti terina ssende.

Olwo Wandiga eyali asolooza yasalawo obutaddiza mbwa ssende mbu zibe za Wambuzi. Ekyo Wambwa tekyamusanyusa, era okuva olwo embwa egoba mmotoka, kubanga ekyabanjaayo siringi 50.

So yo ente egamba nti yajasula ezaayo n'ezimalayo, ky'eva teviira mmotoka. Ate yo embuzi etaasasula buli lw'eraba mmotoka ng'edduka ng'erowooza nti bagenda kugyibanja.



NSOBEDDWA EKA NE MU KIBIRA

Awo olwatuuka nga wabaawo omusajja, ng'abaka mbazzi kugenda mu kibira kutemayo mpagi za nju ye. Bwe yatuuka eyo, n'asangayo omuwala omubalagavu ng'ali ku lwazi anaaba. Ko ye nti bwe sigenda n'ono, nga ndi muloge. Taludde agambye omuwala nti "Nnyabo nkwegombye, njagala kukuwasa." Ko omuwala nti "Nange nkwegombye era nnandyagadde okukufumbirwa, naye nnina ekizibu, nnina ebbeere limu bw'onfunira eryokubiri ng'ontwala." Omusajja bwe yawulira ebyo, embazzi yagireka mu kibira, n'adduka za mbwa n'agenda eka n'abaka mukyala we n'amukuba ekigwo n'amusalako ebbeere, n'adduka nalyo ng'alitwalira omulungi gwe yalese mu kibira. Okugenda okutuuka eyo ng'omuwala amulabako? Yabuzeewo dda. Adduse azzeeyo eka atunge ebbeere ku mukyala we lye yabadde amusazeeko. Yasanga afudde. Wano we waava enjogera nti "Nsobeddwa eka ne mu kibira."